# UNEB ekoze pulaani ku ngaba y'obubonero bwa PLE

Bya KIZITO MUSOKE
NE SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB kisabye minisita w'Ebyenjigiriza akikkirize bakomye okuteeka obubonero ku bigezo bya PLE kikendeeze ku muze gw'okukoppera abayizi.

Ssentebe wa UNEB, Polof. Calestino Obua yasinzidde ku mukolo gw'okufulumya ebibuuzo bya PLE eby'omwaka 2025 n'asaba minisita Janet Museveni abakkirize bakyuse engeri gye bagabamu obubonero. Obua yagambye nti, mu 2021, UNEB yatwalira minisita ekirowoozo ky'okuggyawo enkola y'okuteeka obubonero ku bigezo bya PLE omuyizi bw'aba afunye.

Wadde nga yali akiwagidde, kyokka yabawabula balindeko eggwanga limale okuvvuunuka Covid 19. UNEB yasabye minisita abakkirize bateeke mu nkola kye baali bamusabye kuba kye kijja okumalawo enkola y'amasomero okubba ebigezo nga baagala abayizi bafune abayizi bangi abafuna 4.

Enkola bw'eneeba eteekeddwa mu nkola, enkola y'okufuna obubonero okugeza 4,5,6 ejja



Abamu ku bayizi abaasinze mu PLE ku ssomero lya Naggalama Junior e Mukono. Ku kkono; Gabriel Mbogo (6), Andrew Joseph Okello Okiror (4), David Junior Opio, Janet Naganda, Joram Lutakome ne Joash Muyanja bonna baafunye 5.

kuvaawo. Omuyizi bajja kuba bamuteerako busobozi bw'alina mu masomo ag'enjawulo.

Okumanya ng'omuze gw'okubba ebigezo gukutte wansi ne waggulu, bakizudde ng'ebigezo bwe bimala okutuuka ku masomero, ababikuuma beekobaana n'abakulira amasomero ne basumulula ebbaasa ne babiragirira abayizi nga tebannayingira kibuuzo ne bwe baba bakola.

Waliwo essomero ly'obwannannyini e Kassanda gye baakwata abasomesa n'abakuumi ba UNEB okuva e Nansana gye baakizuulira nga baali bataddewo n'omukutu gwa WhatsApp kwe baali basindika ebibuuzo.

Abayizi abawera 730,000 abaayise ebigezo bya PLE, Obua yagambye nti, alina essuubi nti, bonna bajja kweyongerayo mu siniya n'amatendekero g'ebyemikono. UNEB yakizudde ng'abasomesa bakyetaaga okubangulwa ku nkola empya eya Curriculum basobole okutaputa obulungi n'okukyusa ensomesa. Emyaka ebiri egiyise, UNEB yatandikawo enkola y'okuyamba Gavumenti z'ebitundu eziba tezikoze bulungi ng'ebangula abasomesa, kye baasuubizza okutwala mu maaso.

## OKUGOLOLA ENSOBI

Mu Bukedde wa Wiikendi ku muko ogwa 19 wansi w'omutwe; Emisango gy'okulonda gyonna gya kuyita ew'akulira abalamuzi, Omuwandiisi omukulu ow'essiga eddamuzi twamuyise akulira abalamuzi, Jane Francis Abodo. Twetonda olw'ensobi eyo etaabadde ng'enderere.

Bw'oba olina ensobi yonna gy'olabye, kuba ku 0702201042, 0712831015 oba 0782513270. Oba kuba ku ssimu zaffe: 0414337196/ 184/829/155

## Kye bagamba



Ibrahim Kiwanuka; Enkola eyo ennungi oba embi eri abazadde abamu singa amanya obubonero bw'omwana nga yakoze bubi ajja kugaana okumwogerayo.



Hasifah Namale; Nsaba UNEB ereke ebintu nga bwe biri nga bafulumya ebibuuzo by'abaana baffe nange omuzadde njagala nnyo okumanya engeri omwana bwe yakoze.



Richard Ssemombwe; Enkola eyo sigiwagira ffe, twasoma nga twagala okumanya obubonero ne wabaawo okuvuganya mu bayizi. Obutalaga bubonero kikyamu.